# Gavt. eyongere okutendeka ababudaabuda abali mu bulumi olw'endwadde enkambwe

Bya EMMANUEL SSEKAGGO



Abamu ku balabirira abalwadde nga baweebwa ebikozesebwa. Ku kkono ye, Mark Donald Mwesiga akulira PCAU, Dr. Miriam Ajambo, Sr. Franciline, Julian Abiturabyamu ne Dr. Jacinto Amendua (ku ddyo).

ABAKUGU mu by'obulamu abakola ogw'okutuusa obujjanjabi obw'ekikugu eri abantu abatawaanyizibwa endwadde enkambwe basabye gavumenti eyongere amaanyi mu kubangula Bannayuganda ab'enjawulo basobole okutuusa obujjanjabi ku balwadde bano ne bwe baba tebali mu malwaliro.

Bano abeegattira mu kibiina kya Palliative Care Association of Uganda (PCAU), baasinzidde ku kitebe kyabwe e Kitende mu Town Council y'e Kajjansi mu disitulikiti y'e Wakiso, ne bategeeza nti, abantu abeetaaga obuweereza buno mu ggwanga basoba mu bukadde 3 kyokka ekyewuunyisa, ku muwendo ogwo abantu 300,000 bokka be babufuna.

### OMUWENDO GW'AMALWALIRO AGAYAMBAKO GWONGERWEKO

**Mark Donald Mwesiga akulira PCAU**, agamba nti, olw'ebbula ly'abakugu abasobola okubudaabuda abantu abali mu bulumi obw'amaanyi, kivudddeko bangi okwekyawa ne bawulira nga bakaluubiriddwa obulamu eky'obulabe gye bali n'abo ababaliraanye.

Yasabye gavumenti eteeke amaanyi mu kulaba ng'etereeza embeera abantu bano gye balimu basobole obutawulira nnyo bulumi wakati mu bulwadde okubagoya.

Era yasabye gavumenti eyongere okutuusa obuweereza buno mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo kubanga mu kiseera kino amalwaliro 300 gokka ge gasobola okutuusa obuweereza buno eri ababwetaaga.

### BANNAYUGANDA BASOMESEBWE

**Dr. Bildard Baguma, akulira Joint Medical Stores**, yagambye nti, waliwo obwetaavu obw'okusomesa Bannayuganda bonna engeri gye basobola okulabirira n'okubeeramu n'abantu abalina endwadde enkambwe, kubanga omulwadde buli lw'abeera n'omuntu omukugu mu kumujjanjaba, addamu amaanyi n'obulumi ne bukendeera.

### MUJJUMBIRE OKWEKEBEZA

**Kamisona okuva mu ministule y'ebyobulamu, Dr. Martha Ajulong**, yagambye nti, gavumenti ya kufuba okulaba ng'obuweereza buno butuuka eri abantu ababwetaaga bonna mu ggwanga kyokka n'asaba Bannayuganda bulijjo okujjumbira okwekebeza endwadde naddala kookolo nga singa azuulibwa ng'akyali ku mutendera ogwa wansi asobola okujjanjabibwa n'owona obulumi buno.

PCAU yabadde ejjukira bwe giweze emyaka 25 ng'eweereza Bannayuganda.

Baagabidde ebibiina eby'enjawulo ebikozesebwa mu kujjanjaba abalwadde bano omwabadde; enkampa, emiggo egy'eyambisibwa abaliko obulemu okutambula, ebikozesebwa mu nsonga z'abakyala n'ebirala.

## Abantu kye bagamba



**Albashil Kayondo Ndawula: Gavumenti eyongere ssente mu bitongole by'obwannakyewa ebisobola okutuusa ku bantu obuweereza obw'enjawulo okusinga lw'eneetuumako obuvunaanyizibwa oluusi n'eremererwa okutuuka ku buli muntu.**



**Lydia Nakazibwe: Tusiima abantu ssekinnoomu n'ebitongole ebiyamba ku gavumenti okutuusa obuyambi obw'enjawulo naddala obw'obujjanjabi eri abantu ababwetaaga kyokka tubasaba bongeremu amaanyi kubanga obwetaavu bukyaliwo.**



**Kenneth Mwehonge: Tusaba gavumenti eyongere okuteeka eddagala eriweweeza ku bulumi eri abo abalina endwadde ez'amaanyi mu malwaliro ag'enjawulo kino kiyambe buli muntu alyetaaga mu bitundu eby'enjawulo eby'eggwanga okulifuna.**

# Abasawo baakubangulwa ku bikwata ku kookolo w'amabeere

Bya RUTH NAZZIWA



Dr. Shiba Gitta.



Dr. Jackson Orem.

MINISITULE y'ebyobulamu egenda kusomesa abasawo mu malwaliro aga wansi, n'abasawo b'oku byalo ku bulwadde bwa kookolo w'amabeere kibasobozese nabo okusomesa abantu mu bitundu gye bava n'okubakebera ng'omu ku kaweefube w'okulaba nga balaba obulwadde buno nga bukyali.

**Dr. Charles Olaro, okuva mu minisitule y'ebyobulamu,** agamba nti, omuwendo gw'abantu abafuna kookolo gugenda gulinnya era nga ku lukalu lwa Africa, kookolo w'omumwa gwa nnabaana akwata kisooka okutigomya abakyala, ate ow'amabeere n'akwata ekyokubiri.

Ekirungi, bw'azuulibwa nga bukyali naddala ku mutendera ogusooka, abeera mwangu okujjanjaba n'awonera ddala naye ekibi, abasinga batuuka kikeerezi ng'amaze okukula, ekibeera ekizibu okumuwonya.

Mu kaweefube w'okulwanyisa obulwadde buno, minisitule y'ebyobulamu ng'eri wamu n'ekitongole kya Tropical Health and Education Trust babakanye ne kaweefube w'okutalaaga eggwanga nga basomesa abantu ebikwata ku kookolo w'amabeere ne bwe bayinza okwekebera.

Enteekateeka eno egendereddwaamu okulaba nga bakendeeza ku muwendo gw'abafa kookolo w'amabeere, n'okukendeeza ssente ezisaasaanyizibwa.

**Dr. Shiba Gitta, akulira ekitongole kya Tropical Health and Education Trust (THET)** annyonnyola nti, mu nteekateeka eno bagenda kusomesa abasawo b'oku byalo bategeere obulwadde buno kibasobozese okusomesa abantu mu bitundu gye bava.

Bagenda kusomesa n'abasawo abakola mu malwaliro aga wansi, omuli; Health Centre II, III, IV n'amalwaliro ga disitulikiti bonna basobole okukebera kookolo olwo basindike abalwadde gye balina okufunira obujjanjabi.

Mu ntandikwa, essira balitadde mu Arua ne Mbarara kubanga waliyo amalwaliro agajjanjaba kookolo nga gaatandika dda okukola.

Pulojekiti eno egenda kutwala ebbanga lya myaka esatu nga yatandise mu January 2024 ekomekkerezebwe mu May 2026 nga baluubirira kujjanjaba abantu abasoba 400,000 naye ng'omuwendo guno gusobola okweyongerako.

**Dr. Jackson Oryemu, akulira eddwaaliro erijjanjaba kookolo e Mulago**, agamba nti, obuyambi buno bwa kwongera okutumbula empeereza yaabwe n'okwongera okutuuka ku muntu wa wansi mu ggwanga okukendeeza ku batuuka ekikeerezi mu ddwaaliro.

**Ebimu ku bivaako kookolo w'amabeere:**

- Atambulira mu musaayi, singa wabaawo bajjajja abaamulwala n'abazzukulu kyangu okumufuna.
- Obutayonsa, nakyo kikuteeka mu bulabe olw'enkyukakyuka y'omubisi mu mubiri.

## BUUZA OMUSAWO

### Biki ebigoba emisota awaka?

**Tuyinza tutya okugoba emisota awaka?**
Enkyukakyuka y'obudde eriwo ensangi zino evuddeko emisota okweyongera ekitegeeza nti, n'omuwendo gw'abantu ababojjebwa emisota nagwo gweyongedde so ng'obujjanjabi obugivumula bugula buwanana.

Mu mbeera eno, essira tulina kuliteeka ku bintu bibiri ebikwata ku misota omuli:

1 Okuziyiza okulaba nga tetulumibwa misota. Mu bye tulina okukola mulimu; okukuuma amaka nga mayonjo agataliimu mmese eziyinza okusikiriza emisota.

- Okulongoosa ebifo ebitwetoolodde nga tusaawa ensiko etuliraanye, okuggyawo bbulooka n'amayinja ebiba byetuumye okumpi n'amayumba kuba bino bifo ebirala emisota mwe gitera okwekweka.

2 Ekirala, twewale okuzimba okumpi n'amazzi nga ku nnyanja, ebitoogo n'enzizi kubanga ebifo ebyo emisota mwe gibeera.

Mu biseera eby'omusana omungi oba mu by'enkuba, tuggale amayumba gaffe nga bukyali okuziyiza emisota okuyingira.

**Nkole ntya ng'omusota gunnumye?**
Ekisooka mu byonna, ng'omusota gukubozze, fuba okulaba ng'okkakkana, kino kiyambako okukendeeza ku misinde obusagwa bw'omusota kwe buba buddukira mu mubiri bw'oddusibwa mu ddwaaliro eriri okumpi ofune obujjanjabi.

Mwewale okusiba nga bwe kyakolebwanga edda oba osibye mukono oba kugulu kubanga emisota egimu egy'obusagwa bwe gikubojja n'osiba ekitundu ekyo, obusagwa bwe butuukawo buleetera ekitundu ekyo okukosebwa n'ofuna obuvune obw'amaanyi.

Era weewale okuddukira mu basawo b'ekinnansi kubanga ebiseera ebisinga tebalina ddagala livumula busagwa bwa musota ekiyinza okuvaako okukosebwa ekisusse oluusi n'okufa olw'obutafuna bujjanjabi.

**Kiddiddwaamu , James Ntulume akulira ekitongole ekisomesa ebikwata ku misota ekya Snakes Uganda. Ne bikuηηaanyizibwa RUTH NAZZIWA.**